# KCCA eyingidde mu by'amasannyalaze g'akatale ka Owino

Bya HANNINGTON NKALUBO

KCCA esitukidde mu baddukanya amasannyalaze mu katale ka St. Balikuddembe edda akayitibwanga Owino n'eyimiriza ssente ezibadde zongezeddwa.

Abakolera mu katale, kati KCCA eragidde basasule 690/- ku buli Yuniti y'amasannyalaze so si 750/- ezaababade zibabinikiddwa.

Omwogezi wa KCCA, Daniel Nuwe Abine yagambye nti baafunye okwemulugunya kw'abasuubuzi nti amasannyalaze gongezeddwa bbeeyi okutuuka ku 750/- naye nti kyakoleddwa mu nsobi. "Ssente ezimanyiddwa mu butongole ziri 690/- era ezayongezeddwa tuziyimirizza" Nuwe Abine bwe yagambye.

Yagambye nti ssente ezo ze zakkiriziganyizibwako abasuubuzi mu lukiiko olwatuula e Nakivubo era yenna ayagala okuzivaako ayongeze ateekwa kusooka kuddamu kuyita lukiiko lw'abasuubuzi bonna n'abannyonyola ne basalirawo wamu.

Kino kiddiridde abasuubuzi okumala ebbanga nga bayomba nti kkampuni y'amasannyalaze egaddukanya mu katale yabongeza dda ssente kati basasula 750/-.

Eggulo abasuubuzi baalaze essanyu bwe baawulidde nti KCCA ensonga eziyingiddemu neeyimiriza ssente ezaabadde zongezeddwa kyokka ne basaba KCCA ebayambe ebaweereze ekiwandiiko bakitimbe mu katale ekiraga emiwendo emituufu.

Mu kiwandiiko ky'abasuubuzi kye bawadde KCCA, kyabaddemu okwemulugunya nti baabongezza ssente, nti agamu ku masannyalaze gakozesebwa basuubuzi abatali ba mu katale, engeri gye babalamu amasannyalaze nayo ebanyigiriza, ebbanja lya ssente eribanjibwa akatale lisusse obunene nga lisoba mu bukadde 180, abaddukanya amasannyalaze tebakolagana bulungi ne KCCA, tebabawa ssente zikung'anyizibwa buli mwezi.

Omu ku baatadde omukono ku kiwandiiko, Robert Mukalazi yategeezezza nti abasuubuzi abakozesa amasannyalaze tebali mu byabufuzi bya katale wabula baagala abantu naddala abagolola engoye bafisse ku ssente nga basasula amasannyalaze ku miwendo egyawansi.

Kyokka ssentebe w'amasanyalaze Godfrey Iga yagambye nti tebannaba kufuna kiragiro kyonna kuva mu KCCA era abasuubuzi bateekwa kusasula 750/- . "Twakkiriziganya n'abasuubuzi basasule 750/- , kati KCCA ate esinziirawa okweyingiza mu by'amasannyalaze" Iga bwe yagambye.

Yategeezezza nti abawakanya okwongeza amasannyalaze abo tebagakozesa bazannya byabufuzi byabwe naye abagakozesa basasula bulungi ssente era ffe tugenda mu maaso n'okusolooza 750/-.

Kyokka Daniel Nuwe Abine yategeezezza nti ako katale ka KCCA buli kimu ekikolebwa y'ekivunaanyizibwako era ekiseera kino emiwendo gy'amasannyalaze bo gye bamanyi ziri 690/-. Nuwe Abine yagambye nti bagenda kuwandiikira aba kkampuni eddukanya amasannyalaze ebbaluwa bababuulire amasannyalaze gateekwa kuddukanyizibwa gatya ku miwendo gy'abasuubuzi egyawansi.

## Kye bagamba




Ssalongo Abdul Lubowa; Abaayongezza amasannyalaze beebuuzizza ku ani. Kano akatale ka KCCA naye lwaki batwongeza nga bwe baagala?



Asuman Waisswa; Tulina ekizibu kinene ku masannyalaze mu katale. Gali ku ssente nnyingi era KCCA esaana eveeyo eyambe naye tetukyakola ssente nga tuba mu kusaasaanya.



Reuben Kagoma; Amasannyalaze bwegaba ku miwendo egya wansi buli omu afunamu naye buli bwe galinnya ne gaba ku busseere tuba tunyigibwa.



Abagolola engoye be basinga okunyigirizibwa